# Ebimu kubikulu ebiyinza okuyamba okusigala obulungi ku mutimbagano

Deaf Child Worldwide

**Okukozesa mutimbagano, ebibiina by'abali ku mitimbagano,n'emikutu migattabantu nga WhatsApp, Facebook, Instagram,TikTok,Imo,Telegraph oba Snapchat kinyuma era kiyamba okusigala ng'okwatagana n'abemikwano n'aboluganda. Naye jjukira nti wetaaga okusigala mu mbeera enungi nga ogikozesa.**

## Towereza bubaka buyitiridde

Kikulu obutagaba bubaka buyitiridde ng'oli ku mutimbagano,naddala ebikwaka ku muntu ng'ebifaananyi, anti

Togabana bubaka bukwata ku gy'obera,oba erinnya ly'essomero lyo oba w'okorera n'abantu b'otamanyi. Tosobala kulagirira muntu gwe wakasisinkana ku kifo baasi wezisiimba wa gy'obera,n'olwekyo tokikola ng'oli ku mutimbagano.

## Wefumitirize nga tonaba kusindika bubaka bwonna

Nga tonaba kusindika kifaananyi kya mukwano gwo ekisanyusa oba okusaagira ku muntu ng'oli ku mikutu migatabantu,webuuze:

**Buno obubaka bwandikusanyusiza singa bubadde bukwata kugwe?**

**Kiki mukwano gwo by'analowoza ku bubaka obwo?**

**Kiyinza okubeera nga kisanyusa naye kiraga ekissa?**

Etteeka eddungi liri nti- singa tosobola kukyogerera mu mbeera eya bulijjjo,tokyogerera ku mutimbagano.

Okuweereza eby'ekikaba (ebifaananyi ebikwata ku kwegadanga oba obukunya) kiyinza okubeera eky'omutawaana ate munsi ezimu kya bumenyi byamateeka, ne bwoba nga obisindise mu kyaama eri omwagalwawo. Obadde okimanyi nti ku buli bifaannayi 10 abantu byebagabana ku mutimbagano bimaliriza biri kumitimbagano mirala egitasuubirwa? Kino kisiikuula nnyo emmeme era kisobola okwononera ekitibwa ku mutimbagano n'ewaka.

**Okumanya ebisingawo kububaka buno , kyalirako www.childnet.com/sexting**

**Jjukira nti: Bwekituuka kumutimbagano kisobola okusigalayo emiremebe gyonna mtandaoni yanaweza kuwa huko milele au kwa muda mrefu.**

## Kuuma erinnya lyo n'ekitibwa kyo

Gezaako okuwandiika erinnya lyo mu mikutu eginonyereza nga Google – Oyinza okwewunya obungi bw'ebikukwatako ebiriyo. Kino kiyamba okusengeka ekittibwakyo ku mutimbagano.

Luliba olwo ng'osaba omulimo, mukamawo gye bujja ayinza okunonyerezako yeyambisa emikutu nga 'Google'. Fuba nnyo okulaba ng'ekifaananyi kyo eky'omitumbagano tekikulemesa kufuna mulimu.

**Jjukira nti:** mikwano gyo n'abolugaganda basobola okkunonyerezaako nga beyambisa emikutu nga 'Google'. – onaasanyukira byebaba balabye?

Singa osanga ekintu kyonna ekikwatako ku mutibagano nga tokyagala,osobola okusaba omutimbagano okukijjayo ,oba bwekiba nga kyantekwa ku mikutu migattabantu osobola okukiwawabirayo.

## Kikuume nga kyakyaama

Kebera enambika ye mikugiro ku kibanja kyo ekyemikutu migatabantu nga Instagram oba Snapchat okufuba okumanya ani gw'ogabana naye ebikukwatako

**Jjukira :** Nenambika y'emikugiro gy'ebibanja by'emikutu migatabantu egya mikwanogyo kisobola okukyusa butya obubaka obukwatako gyebutekebwa mu lwatu okusinzira kubibanja by'ebyemikutu gy'abwe.

**Jjukira :** emikutu migatabantu egisinga gikusobozesa okusalawo ani alaba obubaka bwo oba ani abukubaganyaako ebirowoozo. Bulijjo wekennenye obeere musanyufu ku ani alaba obubakabwo. Beera n'akabinja katono ate okusingira ddala nga ka mikwanogyo gyewesiga, naddala ku bifaananyi byosindika.Lowooza kumukutu ogusiinga ogunakusobozesa okugabana obubakabwo oba ebifaananyi kikusobozese okukugira ani anabiraba na kiki ky'asobola okubikozesa .

Kuma emikugiro bw'okozesa ng'oyingira ekibanja kyo eky'omutimbagano nga bwakyaama ate tobufuula bwangu okutebereza – tangira abantu okuyingira ekibanjakyo eky'omutimbagano ne befuula gwe.

**Bwoba wetaaga obuyambi mu kukebera enambika y'emikugiro ku kibanja kyo eky'emikutu migatabantu, kyalira : www.saferinternet.org.uk/advice-centre/young-people**

## Okuggala oba okujjawo akawuntayo

Era kitegeeza obulabe bukendeeera obw'akawuntayo okusaatukirirwamu (okuyingirirwa) nga gwe totegedde.

Kino kitegeeza nti obubaka tebukyaliwo ate tebusobola kunonyezebwako kumutimbagano.

## Tokiririza mubuli kintu ky'olaba kumutimbagano

**Ssi bulikimu oba buli omu ali kumutimbagano nti yesigika.**

**Webuuze kiki abantu abali kumutimbagano kyebakwagalako era lwaki.**

**Tosisinkana bantu b'otamanyi b'obadde oyogera nabo kumutimbagano – Bayinza okuba babadde bakuwuddiisa ku kiki kyebali ate bayinza okubeera ab'obulabe.**

**Jjukira: Ssi buli muntu ali kumutimbagano nti ali ekyo ky'agamba.**

**Fumitiriza kuki abantu abalala kyebogera ne kyebasindika – kino swakaba aba lugambo? Kigasa okuganako.**

## Tokiririza mubuli kimu kyolaba kumutimbagano

Emikutu migatabantu gikuwa ebikozesebwa ebikuyamba okutangira abantu botayagala kukolagana nabo.

Kino kitegeeza nti obubaka tebukyaliwo ate tebusobola kunonyezebwako.

Singa osanga ekintu kyona kumutimbagano ekikweralikiriza oba ekikukyankalanya,oba okujolongwa kumutimbagano,osobola okukiropa. Bulira ko omuntu omukulu gwe wesiga,omuzadde oba omusomessa era olekere awo okukozesa omutimbagano ogwo.

Osobola okufuna okuyambibwa mu nsiiyo wanno:
**www.childhelplineinternational.org**